

# OKULABIKIRWA KU BUSUMBA BW'ABAANA

Lunaku lumu nze ne baze Dwight nga tuli kulugendo lwe mmotoka oluwanvu, Mukama Katonda yatuwa okubikkulirwa ku bukulu bw'obusumba bw'abaana abato. Twali tukubaganya ebirowoozo ku ntegeka z'obusumba nga bwe tusaba fembi, Katonda n'alyoka ampa okulabikirwa.

Mu kulabikirwa kuno, nalaba abantu bangi abaali befaananyiriza enkumi n'enkumi z'abaddusi nga bakkirira mukkubo eggazi. Tewali yalabika nga ategedde nti mu maaso waaliyo oluwonko era abantu nebasigala nga badduka nga bwe bagwayo. Wansi mu luwonko waali wajjude abantu enkuyanja nga balumiziddwa.

Era wansi waaliyo abantu abatonotono nga bayamba bano abalumiziddwa. Nalaba weema nga zikozesebwa nga obulwaliro obwamangu nga n'abasawo baleeta abalumiziddwa nga bwe babajjanjaba.

Abamu kubbo baali bamenyese amagulu, abamu nga betaaga bandeji ate abalala baali tabasimattuse.

Mukama yandaga nti weema ezo ez'enjawulo zaali zitegeeza enzikiriza ez'enjawulo. Abasawo bali basumba nga nebano abaali bayamba abalumiziddwa, baali baweereza mu busumba.


Waaliwo embeera nga abantu basatu bagezako okuyamba omuntu omu. Kino kyantegeeza nti buli nzikiriza yali elwaanira bagoberezi bakutwala mu ssinzizo lyaayo.

Ekifaananyi kiri eky'abantu abaali badduka kukkubo kyali kitegeeza baana. Mukama yandaga nti bantu batono nnyo abaali bayamba abaana okubalabula ku luwonko olwaali mu maaso. Abasumba baali wansi nga bayamba balumiziddwa neberabira nti buno obulumi n'okufa byaali bisobola okwewalwa.

Amagumba amamenyefu ne bandeji byali bilaga obulumi abantu bwe bayitamu nga tebannaba kumanya Yesu Kristu baleke bacuuse obulamu bwabwe. Waaliwo obulumi bw'obutabanguko mu maka, obubbi, okusibibwa mu makomera n'okwonoona. Waaliwo abasumba abayamba abantu bano mu bulumi buno naye batono nnyo abaali bayamba abaana nga tebannaba kugwa munsobi zino.

Obusumba obwa waansi mu luwonko bwaali bucamula kuba wali osobola okusanga omuntu anatera okufa notaasa obulamu bwe embagirawo. Zino emmotoka ezitwaala abalwadde bwe zatuuka nga nga zikuba obugombe, nga bulyomu asobola okukulaba ng'otwaala omulwadde eri weema y'enzikiriza yo. Naye eno waggulu kukkubo, omulimu gw'okutangira omuntu obutagwa mu luwonko gwali tegucamula ate nga tegusikiriza.





Oluvannyuma lwokulabikirwa okwo, nze ne Dwight, twalaba nti obusumba bw'abaana sibw'abaana  bokka wabula bwa bantu n'emyoyo gyonna. Obusumba bw'abaana butaasa abantu okudduka mu bibinja nga bagenda eri okuzikirira. Ekintu ekitono kubaana gy'emibiri n'ensimbi zabwe. Tebawa kyakkumi era baba bampi naye ate balinga ekinuuna. N'olwekyo banguyirwa nnyo okuyiga ebibasomeseddwa n'entabuza y'obulamu.

Nze ne Dwight twasalawo tuleke weema oz'omuluwonko tulinnye waggulu tuziize abantu okugwa wansi. Twasalawo okuyamba abo abatono abaali benyigidde mu mulimu ogw'okuyamba abantu abatannaba gugwa mu bubuze.

Emya ekkumi egyiyise gyemmaze nga ndi mu minsani e Mexico, nkizudde nti ebitundu kyenda ku buli kikumi (90%) ku baweereza si betegefu kusigala mu busumba bw'abaana. Baliyo kaseera busera nga bwe balinda okukuzibwa mu makanisa gabwe. Nange kyennali nsubira naye nenkomekkerera nga mmaze mu busumba bw'abaana emya kumi na munaana. Nali nsubira okugenda mu busumba bw'abakyaala nfuuke ne mukyaala w'omusumba. Nasanyuka nnyo bwe twafuuka aba minsani kuba nali nina wentuse mu bukulembeze bwe kkanisa era nali sisubira nti ndidda mu sumba bw'abaana.

Kulunaku olwo olw'ekyamagero, nga tuli kulugendo lwaffe, Mukama yatukowoola. Teyakoma awo, natulaga n'endowooza ye nti waali wetaaga wabewo omuntu alabula abantu baleme kugwa mu luwonko. Kisingako okubaziiza mukifo ky'okubajjanjaba nga bamaze okulumizibwa.

Nsubira nti nawe Mukama Katondo abikkude amaaso go eri obusumba buno.

Tekyesigama kukusomesa kwokka, wabula kikwata ku kulyowa emyoyo nga teginnaba kukola byonoono bigenda kugisanyaawo.

Mubusumba buno twetaaga abantu abalina obukugu obw'enjawulo nga; abasumba, abasomesa, abayimbi n'abalala. Twetaaga obuyambi bwa buli muntu. Twagala abantu beweeyo mu buweereza bw'abaana. Essawa zino tukkiriza naabo abalalina akadde akatonotono kebasobola okuwaayo. Naye, twagala nnyo abantu abakulu nga besimbu eri obusumba buno era nga bewaddeyo okulyowa emyoyo nga teginnabo kugwa mu luwonko!

Vision for Children's Ministry Luganda

20132

www.ChildrenAreImportant.com
info@childrenareimportant.com
We are located in Mexico.
DK Editorial Pro-Visión A.C.

Abaana Kikulu